# Abalala bawangudde ebirabo mu kalulu ka Gabula Sekukkulu mu vvayibu



Ssebbowa (ku ddyo) ng'akwata akalulu. Ku kkono ye Kizito.

Bya KIZITO MUSOKE

ABANTU 11 bawangudde ebirabo mu kalulu ka 'Gabula Ssekukkulu mu Vayibu' ak'olupapula lwa Bukedde nga kano ke kaddiridde akanene ddala akasembayo ak'okukwatibwa ku Lwokutaano nga December 19, 2025.

Akalulu kaakwatiddwa ku Bukedde TV eggulo (Lwakutaano) ng'omukung'aanya wa Bukedde, Michael Mukasa Ssebbowa, n'abakozi ba Bukedde okuli Siraje Kizito ne Godfrey Kigobero be baakakutte.

Abaawangudde kwabaddeko; Peter Bavuga (Nkumba Central), Stephen Nabongho (Namutumba), Monday Francis (Kasenge), Sarah V. Kiggundu Nabulime (Kansanga), John Ndayisenga (Kayanja), Ismail Mugenyi Ssemujju (Nsangi), Mary Ademun (Jinja Road), Charles Nkyakora (Namasuba), Richard Kabuye (Njeru) ne JB Nkuuna (Kamuli).

Ate Hazalia Majidu ow'e Lwez ye yawangudde ekirabo ekinene eky'ettu eririmu; ttivvi, dikooda, ekisowaani n'amasannyalaze ga solar ebya StarTimes ebibalirirwamu 2,500,000/-.

Ssebbowa yasabye abantu okujjumbira okugula olupapula lwa Bukedde basalemu akakonge akafulumira ku muko ogwokubiri bakajjuze bakawe atunda amawulire yenna oba okukaleeta ku kitebe Vision Group mu Industrial Area.

Yagambye nti olw'obuwagizi bw'abasomi, Bukedde buli kiseera afuba okuyiiyiza abantu nga mu kiseera kino mu lupapula mulimu ebiyamba abayizi okusigala ku mulamwa okuva ku wa P1-P7 buli lwa Mmande, Lwakusatu n'Olwokuna. Mu ngeri y'emu Bukedde yatandise kaweefube ow'okutaasa abaana ku mutimbagano ng'awa abazadde obukodyo bw'okusiba essimu, ttivvi e kompyuta.

Akalulu akasembayo kajja kukwatibwa nga December 19, 2025 ate ebirabo bigabwe nga December 22, 2025 ku kitebe kya Vision Group. Buli muwanguzi yasabiddwa okutambula ne densite y'eggwanga. Ebimu ku birabo ebigenda okugabibwa mulimu; enkoko kawoomera eza kampuni ya Ugachick, aba StarTimes baawaddeyo ttivvi, dikooda, ekisowaani n'amasannyalaze g'enjuba.

Waliwo ekyapa ky'ettaka eriri e Gobero ku luguudo lw'e Hoima ekyaweereddwaayo kkampuni egula n'okutunda ettaka eya B Clara Property Consultants n'ebirala.